²yita (-yise, njise) *v.i. pass (in time, through space).* kuyita ku muntu kkuutwe, to pass a person without greeting him. kuyita mu mannyo ga mpisi, to have a narrow escape, *lit.* pass through the teeth of the hyena. kuyita ku luti, to slip off of the skewer, *i.e.*, have a narrow escape. kuyitako wa (Omulangira) Ssegaamwenge, to get drunk, *lit.* pass by (Prince) Beer. kuyita ga mpiteeyite, to pass/go here and there. kuyita kuli, to be arrogant/insolent. kuyita mu mankwetu, to use secretive/questionable methods, act on the sly. kuyita Ttembo (a Kabaka who went mad), to go crazy. okutuuka nga buyise, to arrive late. Ekyo kyamuyita ku nviiri. That left him indifferent. He didn't care, *lit.* it passed over his hair. Amazzi gayita kuli. The waters (*e.g.*, in a river) are flooding/overflowing. Omulimu gwange gwa kiyita mu luggya. My job is only temporary, *lit.* passing through the yard. Yayita eby amateeka. He passed his course in law. Tujja kubuyitamu. (-bu- implies bulwa, danger.) You and I are going to have trouble. You and I will have it out. Bw'oyita n'omubi obijja. If you associate with an evil person you will become corrupted. Tell me who your friends are and I will tell you what you are.

yitaayita (-yiseeyise) *v.i. redup.* move around, pass around. Atannayitaayita y'atenda nnyina okufumba. (*prov.*) He who has not traveled around praises his own mother's cooking. Okuyitaayita kulaba.

(*prov.*) To travel around is to see. Live and learn.

yitira (-yitidde) *v.i. appl. pass in/at/for, etc.*; slip out (*e.g.*, a careless remark). okuyitirayo, to pass by (a place); *euph.* to die. okuyitira(mu), to inform of, fill in on. Mpitiraamu nga bwe byagenze. Fill me in on how things went.

yitirira (-yitiridde) *v.i. appl. 2* be extreme/excessive/beyond measure; be prolonged.

yitiriza (-yitirizza) *v.tr. appl. 2 caus.* make excessive, do to an extreme degree. *v.i.* be excessive, act in an excessive manner.

-eyitiriza (-eyitirizza) *v.i. appl. 2 caus. refl.* act to excess; go beyond all bounds; be meddlesome/intrusive; go where one is not wanted/invited.

yisa (-yisizza) *v.tr. caus.* cause to pass/go by; overtake; grab, seize (*in wrestling*); get the better of; surpass, prevail over; treat, behave towards. *v.i.* behave, act. kuyisa mu muntu lukwe, to incite to join in a plot/conspiracy. kuyisa mumwa mu muntu, to speak slanderously/critically/in a backbiting manner about someone. butabaako w'oyisa kigere, to be crowded/hemmed in, *lit.* have nowhere to pass your foot. okuyisa etteeka, to pass a law. okuyisa amaaso, to give a quick glance/look. okuyisa omukka mu nnyindo (mu kamwa), to breathe through the nose (mouth). kuyisa amazzi mu kamwa, to rinse the mouth with water. kuyisa olugero, to cite an example/give an instance (*by quoting a proverb, etc.*). kuyisa kivvulu, to hold a parade. kuyisa ensana, to plait mats. Yampisaako ow'e Mbuya. He beat me. (*ow- implies Kaggero,*

the ssaza chief of Kyaddondo: kaggero also means small stick). Ekikolwa ekyo ne tukiyisaako buyisa maaso. We simply overlooked/took no notice of this act.

yisibwa (-yisiddwa) *v.i. caus. pass.* be made to pass, etc. Yayisibwamu amaaso. He was overlooked/despised.

-eyisa (-eyisizza) *v.i. caus. refl.* push oneself forward/ahead (*lit. & fig.*); conduct oneself, behave. kuyisaako, to cause to pass over oneself, *i.e.*, anoint/rub oneself; to pretend inadvertence; not to know what is going on. kweyisa kuli, to feel secure, confident.

-eyisaayisa (-eyisizayisizza) *v.i. caus. redup. refl.* go here and there/to and fro.

yisisa (-yisisizza) *v.tr. caus. 2* cause to pass, etc. (*see yisa.*)

yisiza (-yisizza) *v.tr. appl. caus.* treat, behave towards; cause to pass in/at, etc.

yitika (-yitise) *v.i. neut.* be easy to pass, be passable (*of a road, forest, etc.*).

yisika (-yisise) *v.i. caus. neut. omuntu* atayisikamu maaso, a man who cannot be overlooked/discounted, an honorable/distinguished man. ekigambo ekitayisika mu kamwa, obscene/bad language.

yitagana (-yitaganye) *v.i. recip. also* yisinnanya (-yisinnanyizza) *v.i. & tr. recip. caus.* pass each other; grip each other (*in wrestling*); become intertwined; treat each other. Asuubira ng'abantu bonna bajja okuyisinnanya ng' ab'oluganda. He hopes that all people will treat each other like brothers. okuyisinnanya obwala, to shake hands.

yitana (-yitanye) *v.i. recip.* intertwine; crisscross each other. Nsanze emisiwa gimuyitanye. I found him in a furious state of mind, *lit.* his veins were intertwined.

yitanya (-yitanyizza) *v.tr. caus.* cause to intertwine; make two turns of (*string, rope*).

cf. -yitirivu, akayisanyo, ekiyitirirwa, amayisa, amayitire, empisa, empisiyisi, empitambi, empitanya, empitiro, omuyise.

yitaba (-yitabye, njitabye) *v.i.* answer (*when called*); answer, respond (*to a need*).

-eyitabya (-eyitabizza) *v.i. & tr. caus. refl.* answer without being called (*by mistake or with intent*). Akamwa akangu kaku-yitabya ow'ebbanja. (*prov.*) *lit.* A hasty mouth causes you to answer the call of (your) debtor (thereby obliging you to pay the debt).

yitabagana (-yitabaganye) *v.i. recip.* answer each other.

cf. ekyeyitabya.

-yite *adj.* called; invited. omugenyi omuyite, an invited guest. *cf.* ¹yita.

-yitimufu *adj.* developed, advanced, famous. *cf.* yitimuka.

yitimuka (-yitimuse, njitimuse) *v.i.* grow, develop; flourish; become famous/renowned.

yitimula (-yitimudde) *v.tr.* yitimusa (-yitimusizza) *v.tr. caus.* cause to flourish; make famous/renowned.

cf. -yitimufu.

-yitirivu *adj.* excellent, superb, wonderful; excessive, extreme. obukyayi obuyitirivu, extreme hate. *cf.* ²yita, yitirira.

-yivu *adj.* educated; leamed. *cf.* yiga.
 yiwa (-yiyi, njiye) *v.tr.* spill; pour, pour out/away. *v.i.* flow, flow out/into (of a body of water); develop a rash; break out of the hill (of termites). okuyiwa Olungereza, to speak English very fluently. okuyiwa amagezi, to spoil/ruin a plan. okuyiwa olutiko, to develop goose pimples.
 okuyiwa ebigambo, to pour out a torrent of words/invective. okuyiwako essubi, to spread grass. okuyiwa(ko) omukono, to sign one's name. Kya nsonyi nayo okumuyiwa. It is a shame to fail/disappoint him. Mwana muwala yamuyiwa. The girl jilted him. Omwami yanji(i)yeemu. My husband gave me some money/a treat.
 yiwayiwa (-yiyeyiye) *v.tr. redup.* keep pouring/spilling; spread all over; sow; *fig.* squander, dissipate.
 -eyiwa (-eyiye) *v.i. refl.* pour itself; *fig.* pour into. Abantu bangi bajja kweyiwa mu Kampala olwa leero. Many people will pour into Kampala today. okweyiwamu ekintu, to give oneself a treat, buy oneself something.
 yiira, yiyira (-yiyidde) *v.tr. appl.* pour/spread on/in/for, etc.
 -eyiira (-eyiyidde) *v.tr. appl. refl.* pour on oneself. okweyiira amazzi, to drink great quantities of beer/liquor. okweyiira amanzaali, to eat, have a meal, *lit.* pour curry over oneself.
 yiririra (-yiriridde) *v.tr. appl. 2* keep pouring/spreading; pour/spread all over.
 yiya (-yiyizza) *v.tr. caus.* cause to spill/pour, etc.

cf. lyiika, enjiyiro.
 yiza *caus. of* yiga, *q.v.*
 yizza *caus. of* yigga, *q.v.*
 yobeera (-yobedde) *v.i., rare* be lonely/sad/depressed.
 okwobeera *inf.*
cf. ekyobeera.
¹yogaayoga! *interj.* Congratulations! Well done! *cf.* yozaayoza.
²yogaayoga *prep.* up to, as far as. Bbaasi teyimiriramu okuviira ddala wano yogaayoga Toro. The bus does not make any stops from here all the way to Toro.
 yogera (-yogedde, njogedde) *v.i. & tr.* speak; talk; say. kwogera ku muntu, to talk about a person. kwogera n'omuntu, to talk with a person. kwogera kaati, to speak openly/frankly. kwogera kuno na kuli, to jump from one subject to the other; to be hesitant/doubtful in what one says. kwogera nkulu bbiri, to be two-faced/intentionally ambiguous in what one says. Oyogedde kirabika ng'ow'ejjanga abika. You have said the obvious, *lit.* like a person with chronic conjunctivitis bringing news of a death.
 okwogera *inf.*
 -eyogera (-eyogedde) *v.i. refl.* give oneself away (by one's speech); report oneself; confess.
 yogerwa (-yogeddwa) *v.i. pass.* be said/spoken.
 yogeza (-yogezza) *v.tr. caus.* cause to speak/talk, etc.; speak with. kwogeza kisa, to speak with kindness. kwogeza kkinyi, to

speak insolently/with disrespect. kwogeza kamwa bumwa, to be all talk, be long on talk and short on action.
 -eyogeza (-eyogezza) *v.i. caus. refl.* talk to oneself; talk out of turn, say what one should not.
 -eyogezaayogeza (-eyogezzeeyogezza) *v.i. caus. redup. refl.* keep talking on and on, just keep talking.
 yogereza (-yogerezza) *v.tr. appl. 2 caus.* woo, court; ask for in marriage; woo away, entice away.
 -eyogerezaako (-eyogerezaako) *v.tr. appl. 2 caus. refl.* try to talk to (someone) who does not want to be engaged in conversation; impose oneself/one's conversation upon.
 yogerera (-yogeredde) *v.i.* speak in/at/with, etc.; speak on behalf of. kwogerera waggulu (ng'ow'ebiwundu ali ku lunnyo), to shout out loud (like a wounded person on a stretcher), *i.e.*, to give orders in a loud and pompous manner. Yanjogerera ebigambo. He spoke to me very sternly.
 yogeragana (-yogeraganye) *v.i. recip.* converse with one another, talk to one another.
 yogerana (-yogeranye) *v.i. recip. =* yogeragana.
 yogerekeka (-yogerekese) *v.i. neut. 2* (usually in a relative construction). Bakoze omulimu tegwogerekeka. They have done a tremendous/indescribable job.
cf. obwogerero, omwogereza, omwogerezi, omwogezi, omwogezakisa, omwoyogereze, enjogera, enjogeziyogezi, nnakayogeza.

-yogi *adj.* sharp (in the *lit. sense*); keen, acute; quick to comprehend. akambe akoogi, a sharp knife. eriiso eryogi, a keen eye. *cf.* yogiwala, obwogi.
 yogiwala (-yogiwadde) *v.i.* be or become sharp (*e.g.*, of knives); *fig.* become sharpened/acute (of the sense); be intelligent/quick to comprehend.
 okwogiwala *inf.*
 yogiwaza (-yogiwazizza) *v.tr. caus.* sharpen; make acute; make intelligent.
cf. -yogi, obwogi.
 yogoloza (-yogolozza) *v.tr.* rinse. *also used to give an emphatic force to certain other verbs.* kuvuma kwogoloza, to curse heartily, curse out. kubba kwogoloza, to steal everything, to 'clean out.'
 okwogoloza *inf.*
 yokya (-yokezza, njokezza) *v.tr.* burn, burn down; incinerate; roast (*e.g.*, plantains). *v.i.* be very hot; burn, be burning; blister. kwokya musubi, to run at a very fast rate. kwokya kabuuzo (or kibuuzo, bubuuzo), to cross-examine, subject to a stern interrogation. kujja ng'oyokya, to arrive itching/burning to say something. Ebigambo bi-mwokya emimwa. He is itching to talk. Ekibuga kyamwokya. He had a very hard time (usually of a financial nature) in the city. Omuliraano gwokya bbiri. (*prov.*) *lit.* Being neighbors burns two (houses, ennyumba implied). What affects one affects all.
 okwokya *inf.*
 yokebwa (-yokeddwa) *v.i. pass.* be burned, etc.

-(y)okye

-eyokya (-eyokezza) *v.i.* burn oneself. *v.tr.* enter very quickly. *kweyokya kisenge*, to rush into the room.

yokera (-yokedde) *v.i. & tr. appl.* burn for/at, etc. *Baabinjokerawo nti teri mulimu*. They told me right off that there was no work, *lit.* burned words (-bi- implies ebi-gambo) at me. *Omusana gunjokedde busa*. I have troubled myself/worked in vain, *lit.* the sun has shone on me in vain. *kukwokerera Katebo*, to be depressed at not getting what one wants, labor in vain (Katebo is a port on Lake Victoria).

yokerera (-yokeredde) *v.i. appl. 2* be luke-warm/warmish. *v.tr.* burn down, set fire to (*with intent of arson*); weld (*metal*). *Musoke Baamokwerera*. Someone burned down Musoke's house.

yokererwa (-yokereddwa) *v.i. appl. 2 pass.* be burned out.

yokereza (-yokerezza) *v.tr. appl. 2 caus.* cause to set fire to.

yokesa (-yokesezza) *v.tr. caus.* cause to burn; burn with/using.

cf. -yokye, obwokerezi, ekyokerere, ekyokerezi, ekyokero, ekyokya, olwokyo, omwokerezi, omwoki.

-(y)okye *adj.* burned. *amatofaali amookye*, baked bricks (*as opposed to amatofaali amabisi*, sun-dried bricks). *cf.* yokya.

yola (-yoze, njoze) *v.tr.* carve, make patterns on (*e.g., pottery*); bring up (*a child*); tend to, care for (*an animal, a plant, etc.*).

okwola *inf.*

yolebwa (-yoleddwa) *v.i. pass.* be carved, etc.

yoleka

-eyolera (-eyoledde) *v.tr. appl. refl.* bring up, care for. *kweyolera mpiri mu bunny*, *lit.* bring up a viper in a pit, *i.e.*, nurse a viper in one's bosom, have a traitor in one's household. *Akabwa ke weeyolera ke kakuluma enteega. (prov.)* The little dog you raise is the one that bites your tendons.

yoza (-yozezza) *v.tr. caus.* cause to carve, etc.; carve/rear/train with/using.

cf. -(y)ole, oluyola, enjola.

-(y)ole *adj.* carved; graven; trained, reared. *cf.* yola.

yoleka (-yolese) *v.i.* show; point out; exhibit; reveal.

okwoleka *inf.*

-eyoleka (-eyolese) *v.i. refl.* show oneself; exhibit oneself; appear. *v.tr. refl.* show oneself to; appear to.

yolekera (-yolekedde) *v.tr. appl.* show for/at, etc.; point at/towards; aim at; face, be opposite; head for (*a destination*). *Yayolekera eriraga e Masaka*. He headed for Masaka. (*eriraga = ekkubo eriraga*, the road which goes.) *Amaka ge goolekedde oluguudo lw'e Masaka*. His house faces the road leading to Masaka.

yolekeza (-yolekezza) *v.tr. appl. caus.* aim at; point at; hold out towards; aim/point with/using.

yolesa (-yolesezza) *v.tr. caus.* show exhibit; display (*e.g., merchandise*).

yolesebwa (-yoleseddwa) *v.i. caus. pass.* be shown/exhibited.

yoleseza (-yolesezza) *v.tr. caus. appl.* show/exhibit in/at, etc.

yoleza

yolekana (-yolekanye) *v.i. recip.* confront each other, face each other.

yolekanya (-yolekanyizza) *v.tr. recip. caus.* cause to confront each other.

cf. omwolesa, omwoleso.

yoleza *appl. of yoza, q.v.*

yoloola (-yolodde, njolodde) *v.tr.* help, give assistance to (*e.g., a poor/needful person*).

okwoloola *inf.*

-eyoloola (-eyolodde) *v.i. refl.* help oneself; get oneself out of poverty/difficulties.

yolooma (-yoloomye, njoloomye) *v.i.* wail; cry out in complaint.

okwolooma *inf.*

yomba (-yombye, nnyombye) *v.i.* quarrel; speak angrily. *W'ova toyombye w'otera okudda. (prov.) lit.* Where you leave without having quarreled is where you are likely to return.

okuyomba *inf.*

yombera (-yombedde) *v.tr. appl.* quarrel about. *Oyombera ki?* What are you quarreling about?

yomberera (-yomberedde) *v.i. & tr. appl. 2* quarrel all the time; protest on behalf of.

yombya (-yombezza), yombesa (-yombesezza) *v.tr. caus. 1 & 2* make lose (one's) temper; quarrel with; cause to quarrel.

-eyombesa (-eyombesezza) *v.i. caus. 2 refl.* permit oneself to get angry; pretend to quarrel; quarrel over nothing.

yombagana (-yombaganye) *v.i. recip.* quarrel with each other.

yongera

cf. obuyombi, oluyombo.

-eyombekera (-eyombekedde) *v.i. refl.* separate from one's husband and live alone. *cf.* nnakyeyombekedde.

yomboolereza (-yomboolerezza) *v.tr.* pick up, collect indiscriminately, gather (*all sorts of things*).

okuyomboolcreza *inf.*

yonda (-yonze, nnyonze) *v.tr.* plait; twine; twist.

okuyonda *inf.*

yondaayonda (-yonzeeyonze) *v.tr. redup.* plait loosely; twist carelessly.

cf. omuyondo.

yondoba (-yondobye) *v.i.* be or become feeble; grow thin; *fig.* languish, come upon hard days.

okuyondoba *inf.*

yondobya (-yondobezza) *v.tr. caus.* make feeble, etc.

cf. kondoba.

yongera (-yongedde, nnyongedde) *v.tr.* increase; add; give more to; continue. *n'ayongera okugamba nti...*, and he went on to say that...

okwongera *inf.*

yongerwa (-yongeddwa) *v.i. pass.* be increased; be given more/in addition.

-eyongera (-eyongedde) *v.i. & tr. refl.* increase; increase in; continue, keep on; do again. *Amagezi ge geeyongera*. His knowledge/wisdom increased. *yeeyongedde n'agamba nti*, he went on to say that, he

yongobera

further stated that. Nneeyongerako mu maaso ne nsisinkana omujaasi omulala. I continued on a short distance ahead and met another soldier.

yongeza (-yongezza or -yongezezza) *v.tr. caus.* cause to increase, etc. Baamwongeza omusaala. They increased his salary.

yongereza (-yongerezza) *v.tr. appl. caus.* make up; add over and above.

cf. nnakongerwako, ennyongeza.

yongobera (-yongobedde, nnyongobedde) *v.i.* wither; be weak/sickly; be dejected/depressed.

okuyongobera *inf.*

yongobesa (-yongobesezza) *v.tr. caus.* cause to wither, etc.

cf. -yongobevu, obuyongobevu.

-yongobevu *adj.* withered; weak; sickly; emaciated; dejected, depressed. *cf.* yongobera.

yonja (-yonze, nnyonze) *v.tr.* clean; make neat; smarten up; embellish; adorn.

okuyonja *inf.*

yonjebwa (-yonjedda) *v.i. pass.* be cleaned, etc.

-eyonja (-eyonze) *v.i. refl.* clean oneself; fix oneself up, make oneself neat/attractive.

cf. -yonjo, obuyonjo, oluyonjoyonjo.

-yonjo *adj.* clean; neat; smart looking. *cf.* yonja.

yonka (-yonse, nnyonse) *v.i. & tr.* suck, draw liquid (especially mother's milk) into the mouth.

yonoona

okuyonka *inf.*

yonkera (-yonkedde) *v.i. & tr. appl.* suck at/in, etc.

yonkerera (-yonkeredde) *v.i. & tr. appl.* 2 keep sucking; suck all the time.

yonsa (-yonsezza) *v.tr. caus.* cause to suck, suckle.

cf. oluyonkante.

yonoona (-yonoonye, nnyonoonye) *v.i.* sin, commit evil, do wrong. *v.tr.* spoil; make dirty; ruin, damage; mess up. okwonoona ebiseera, to waste time.

okwonoona *inf.*

-eyonoona (-eyonoonye) *v.i. refl.* go wrong (morally); ruin oneself, etc.

-yonoonebwa (-yonoonedda) *v.i. pass.* be spoiled, etc.

yonoonera (-yonoonedde) *v.tr. appl.* spoil/make dirty for/in, etc.

yonoonya (-yonoonyezza), yonoonesa (-yonoonesezza) *v.tr. caus.* 1 & 2 cause to spoil/make dirty, etc.

yonooneka (-yonoonese) *v.i.* get dirty; become spoiled (e.g., of food, milk or fig. of a child); go wrong morally; get damaged/ruined (e.g., of a mechanical implement). Yayonooneka omutwe. He went insane.

yonoonekera (-yonoonekedde) *v.i. appl.* get spoiled/dirty in/at, etc.

yonoonekerwa (-yonoonekedda) *v.i. appl. pass.* suffer a loss/misfortune.

cf. -(y)onoonefu, ekyonoono, omwonoonyi.

-(y)onoonefu

-(y)onoonefu *adj.* dirty; spoiled; wrecked, ruined; damaged; sinful, depraved. *cf.* yonooneka.

yoogaana (-yoogaanye, njoogaanye) *v.i.* shout, make a din, make an uproar.

okuyogaana *inf.*

yoogaanya (-yoogaanyizza) *v.tr. caus.* cause to make an uproar.

cf. oluyogaano.

yoola (-yodde, njodde) *v.tr.* collect, gather, gather up; pick up; scoop up. Obwayiise tebuyooleka. (prov.) (The millet, obulo) which has spilled cannot be scooped up. No crying over spilt milk.

okuyoola *inf.*

cf. omuyoolerero.

yosa (-yosezza) *v.i. & tr.* miss a day (of work, school); skip a day; fail to come; stay over. okwosa enkya, the day after tomorrow. enduulu ezitayosa, regular/constant alarms. Tayosa kusoma mawulire. He never misses reading the news. Omwana oyo ayosa nnyo okugenda okusoma. The child is very irregular in his school attendance.

okwosa *inf.*

yosesa (-yosesezza) *v.tr. caus.* cause to miss a day, etc.

cf. ekyosi, olwoso.

yoosana (-yosanye, njosanye) *v.i.* bargain; haggle.

okwosana *inf.*

yosera (-yosedde, njosedde) *v.tr.* wean too soon.

yoya

okwosera *inf.*

yoserwa (-yosedda) *v.i. pass.* be weaned too soon.

cf. obwosi.

¹yota (-yose, njose) *v.i.* warm oneself (at a fire); bask (in the sun). okwota omuliro, to warm oneself at the fire.

okwota *inf.*

yoteza (-yotezza) *v.tr. appl. caus.* smoke, smoke out, fumigate (e.g., barkcloth, a termite hill, a room, etc.). okwoteza obubaane, to burn incense.

-eyoteza (-eyotezza) *v.i. appl. caus.* fumigate oneself; take a vapor bath. *v.tr.* fumigate for oneself.

yotereza (-yoterezza) *v.tr. appl.* 2 *caus.* cause to fumigate for/in, etc.

yotezesa (-yotezesezza) *v.tr. appl. caus.* cause to fumigate; fumigate with/using.

cf. katamyaboosi, ekyoterezo, ekyotezo, ekyoto, omwosi.

²yota (-yose, njose) *v.tr.* break (the stick of one's opponent in the game of mbirigo).

okwota *inf.*

yotta (-yosse, njosse) *v.i.* go away quickly, leave in a hurry, make off.

okuyotta *inf.*

yoya (-yoyezza, njoyezza) *v.tr.* desire, hanker after, crave, want. kuyoya busera, to be tired and hungry.

okwoya or okuyoya *inf.*

cf. ekyoyo, ekyoyooyo.

yoyoota

yoyoota (-yoyoose, njoyoose) *v.tr.* make extremely well; do extremely well; perform very well; perfect; beautify; put in good condition.

okuyoyoota *inf.*

yoza (-yozezza, njozezza) *v.tr.* wash (clothes, things, not persons); develop (films).

okwoza *inf.*

yoleza (-yolezezza) *v.tr. appl.* wash for/in/at, etc.

-eyoleza (-eyolezezza) *v.tr. appl. refl.* wash for oneself. Wali okooye obuwuulu n'okweyoleza engoye zo. You were tired of bachelorhood and washing your own clothes.

yoza (-yozesezza) *v.tr. caus.* cause to wash; wash with; have (films) developed.

cf. ²eggwolezo, ekwolezo, omwozi, omwozo.

yozaayoza (-yozezzayozezza, njozezzayozezza) *v.tr.* congratulate.

okuyozaayoza *inf.*

cf. yogaayoga.

yubuka (-yubuse, njubuse) *v.i.* be peeled off (of the skin); slough the skin (of a snake).

yubula (-yubudde) *v.tr.* cause to peel (of the skin); strip off.

-eyubula (-eyubudde) *v.i. refl.* slough the skin (of a snake); *fig.* get out of a difficult situation.

yubuluza (-yubuluzizza) *v.tr.* okuyubuluza olulagala, to peel the mid-rib off of a plantain leaf, remove the stem from the leaf.

cf. ekiyubwe.

-yulifu *adj.* torn; split; burst. *cf.* yulika.

yunga

yulika (-yulise) *v.i.* tear; get split; burst.

yulisa (-yulisizza, njulisizza) *v.tr. caus.* tear, rend; cause to burst.

cf. -yulifu.

yuna (-yunye) *v.tr.* help, assist. See juna which is more common.

-eyuna (-eyunye) *v.i.* hasten, hurry, rush. *v.tr.* hurry to, rush to, flee to (*esp. to obtain help or protection*).

yunga (-yunze, nnyunze) *v.tr.* connect, join; join end to end; splice (rope); set (bones).

yungira (-yungidde) *v.tr. appl.* connect/join at/for, etc.

yungirira (-yungiridde) *v.tr. appl.* keep joining; join all the time; join/connect poorly.

yunguka (-yunguse) *v.i. conv.* become disconnected/unjoined; disintegrate; begin to flow (of tears, saliva). kuyunguka maziga, to burst into tears.

yungula (-yungudde) *v.tr. conv.* separate; disconnect; detach; decompose; shed (tears); choose, select; assign (to a task); sort, sort out.

yungulula (-yunguludde) *v.tr. conv. 2* separate; analyze.

-eyungulula (-eyunguludde) *v.i. conv. refl.* detach oneself; separate oneself; come out; flow out.

yungulukuka (-yungulukuse) *v.i. conv. 2* become completely detached; come to pieces, disintegrate; be boiled to shreds; be watered down.

yunja

yungulukusa (-yungulukusizza) *v.tr. conv. caus.* cause to become completely detached, etc.

cf. -yunzi, obuyunguluzi, obuyunzi, akayungirizi, akayungiro, akayungo, akayunzi, ekiyungiro, omuyunzi, nnakayunga.

yunja (-yunze, nnyunze) *v.tr.* cut, cut down (plantains). ne mbasasira amasasi agaabayunja obutooke, and I fired bullets at them which cut them down like flies, (*lit.* like plantains).

yunjira (-yunjidde) *v.tr. appl.* cut down (plantains) for/at, etc.

-yunzi *adj.* joining, connecting. akagambo akayunzi, conjunction (*grammatical term*). *cf.* yunga, omuyunzi.

yuuga (-yuuze) *v.i.* sway; move about; shake.

yuuga (-yuuzizza) *v.tr. caus.* cause to sway/shake, etc. Omusango gutyuuzizza. The case has kept us very busy.

yuuzayuuza (-yuuzizzayuuuzizza) *v.tr. caus. redup.* keep shaking, keep causing to sway.

cf. yuugana, yuuguuma, yuuya.

yuugana (-yuuganye) *v.i.* shake; sway; be shaky/unstable. *cf.* -yuuganyi, omuyuuganyi; yuuga, yuuguuma, yuuya.

zaala

-yuuganyi *adj.* shaky, unstable; fickle. *cf.* yuuga.

yuuguuma (-yuuguumye, njuuguumye) *v.i.* shake, sway, move irregularly to and fro.

yuuguumya (-yuuguumizza) *v.tr. caus.* cause to shake; shake up.

cf. akayuuguumo; yuuga, yuugana, yuuya.

yuuya (-yuuye) *v.tr.* shake, shake about. okuyuuya ku galiba enjole *colloq.* to dance, *lit.* shake some of the (magumba, bones, implied by ga-) which will become a corpse.

-eyuuya (-eyuuye) *v.i. refl.* shake; shake oneself.

cf. yuuga, yuugana, yuuguuma.

yuuyuuta (-yuuyuuse) *v.tr., arch.* coax, cajole.

yuza (-yuzizza, njuzizza) *v.tr.* tear, rend.

-eyuza (-eyuzizza) *v.i. refl.* tear itself/oneself.

cf. -yuze.

-yuze *adj.* torn. *cf.* yuza.

Z

zaabu *also* zawaabu (n/n) [*Ar., Sw.*] gold.

zaala (-zadde) *v.tr.* beget, give birth to; bear; produce; cause, be the cause of. okuzaala omwana mu Batiisimu, to stand up for a child who is baptized, be a god-

parent. okuzaala emirerembe, to cause trouble. okuzaala eminene, to cause trouble, *lit.* big ones. Okulonda kubizadde. The election has caused problems (-bi- = ebigambo).

zaalwa, zaalibwa (-zaaliddwa) *v.i. pass.* be born, etc.

zaalira (-zaalidde) *v.tr. appl.* give birth at/in, etc.; cause for. okuzaalira ku luggya, to have an illegitimate child, *lit.* give birth in the yard.

zaaza (-zaazizza) *v.tr. caus.* cause to give birth.

zaalisa (-zaalisizza) *v.tr. caus.* 2 deliver (a child); help to deliver.

zaalanwa *v.i. recip. pass.* be of the same parentage.

zaaluka (-zaaluse) *v.i. conv.* take one's origin, spring from.

zaalukuka (-zaalukuse) *v.i. conv.* 2 increase, proliferate, multiply. *v.tr. (rare)* disown.

zaalukusa (-zaalukusizza) *v.tr. conv.* 2 *caus.* cause to increase/proliferate.

cf. -zaale, -zaaliranwa, obuzaale, obuzaaliranwa, oluzaala, oluzaalo, oluzaalwa, amazaalibwa, omuzaaliranwa, omuzaalisa, omuzaazi, omuzadde, nnakazadde, enzaala, enzaalwa, ssezaala, ezzaaliro, ezzadde.

-zaale *adj.* inborn, native. omukisa omuzaale, luck/good fortune one is born with (*see* yenga). *cf.* zaala.

-zaaliranwa *as adj.* inborn; native. ennimi enzaaliranwa, native languages. *cf.* zaala, obuzaaliranwa.

zaama (-zaame) *v.i.* disappear; be away for a long time; die out (*of a fire*). okuzaama *as intens.* extremely, very much. Ayambala okuzaama. He dresses ex-

tremely well. Yeetonda okuzaama. He apologized profusely.

zaanya (-zaanyizza) *v.tr. caus.* cause to disappear, etc.

cf. zaawa.

zaana, e- *plur. of* ²olwana, *q.v.*

zaawa (-zaaye) *v.i.* get lost; disappear; be away for a long time.

zaayira (-zaayidde) *v.i. appl.* get lost in, disappear in/at, etc.

zaaya (-zaayizza), zaayisa (-zaayisizza) *v.tr. caus.* 1 & 2 lose; cause to get lost; cause to disappear.

zaawuka (-zaawuse) *v.i. conv.* be found; reappear.

zaawula (-zaawudde) *v.tr. conv.* find again; cause to reappear.

cf. zaama.

zabbuli (n/n) [Sw., Ar.] psalm.

zambwa, za mbwa (= emisinde gy embwa) *adv.* quickly, at a great speed.

zannya (-zanye) *v.i. & tr.* play; act (*in a play*); play a trick on.

zannyira (-zanyidde) *v.i. appl.* play in/at/on, etc.

zannyirira (-zanyiridde) *v.i. appl.* 2 play all the time; play the clown.

zannyisa (-zanyisizza) *v.tr. caus.* cause to play; play with; toy with, trifle with, make light of. eky'okuzannyisa, toy. Katonda tazannyisibwa. God is not mocked.

zanyiiikiriza (-zanyiiikirizza) *v.tr. caus. intens.* force to play; tease; play around with. Olaba embwa ezanyiiikiriza ekiriba ng'eneekirya. (*prov.*) When you see a dog playing around with a hide (you know that) he will eat it. This is apparently a variation of the 'cat and mouse' theme.

cf. kazannyirizi, ekizannyiro, oluzannya, omuzannyi, omuzannyirizi, omuzannyo.

zazika (-zazise) *v.tr.* lay (a baby in a cradle) *cf.* sazika.

zeeyuka (-zeeyuse) [Sw.] *v.i.* become old/elderly. *cf.* omuzeyi.

zengerera (-zengeredde) *v.tr.* surround, hover around, swam around. *cf.* zinga, zingirira.

ziba (-zibye) *v.tr.* block; obstruct; hinder passage to; bar. *v.i.* become blocked/obstructed. Ekkubo lizibye. The road has become blocked. Ekkubo balizibye. They have blocked the road. Obudde buzibye. Night has fallen. It has become dark. okuziba amaaso, to go blind; to blind, make blind. okuziba amatu, to become deaf. okuziba emimwa, to become dumb; to make dumb. okuziba ebinnya, to fall in ditches/holes.

zibira (-zibidde) *v.tr. appl.* back up, support; cover up for; come to the rescue of; = ziba when the *appl. form* is required.

zibiza (-zibizizza) *v.tr. appl. caus.* block/shut at/in, etc.; do until dark. Obudde Lukwago yabuzibiza wano. Lukwago was here until dark.

zibirira (-zibiridde) *v.i. & tr. appl.* 2 close

the eyes (*while awake*); close in (*of darkness*). Obudde butuzibiridde. It has gotten dark on us.

zibirirwa (-zibiriddwa) *v.i. appl.* 2 *caus.* be overtaken by darkness.

zibiriza (-zibirizza) *v.tr. appl.* 2 *caus.* delay until dark; restrain. okuzibiriza amaaso, to close the eyes.

zibya (-zibizza) *v.tr. caus.* block up; make blind; make deaf. *v.i.* do until dark. Twakola ne tuzibya. We worked until dark.

Note that the following four forms are built on the stem zib(i)ik- rather than zib-.

zibikira (-zibikidde) *v.i. appl.* be blocked up. *v.tr.* block up; close up; cork up; fill in (*a hole*).

zibiikiriza (-zibiikirizza) *v.tr. appl.* 2 *caus.* obscure; cover up; conceal; suppress. okuzibiikiriza enseko, to suppress one's laughter.

-ezibiikiriza (-ezibiikirizza) *v.i. appl.* 2 *caus. refl.* restrain oneself, control oneself.

zibuka (-zibuse), zibukuka (-zibukuse) *also* zibikuka *v.i. conv.* become opened, become unclogged; become uncorked. okuzibuka amaaso, to open the eyes; to regain eyesight.

zibula (-zibudde), zibulula (-zibuludde) *v.tr. conv.* 1 & 2 okuzibula amaaso, to open one's eyes; to restore eyesight. okuzibula amatu, to open one's ears; to restore hearing. okutemya n'okuzibula, in the twinkling of an eye.

zibukula (-zibukudde) *also* zibikula *v.tr. conv.* open up; unclog; uncork.

- cf.* -zibizi, ekizibik(ir)o, muzibe, zzibi.
- ziba *adj.* relating to the tribe of the Baziba. kulalambala ng'eryambe ezziba, to walk straight and erect, *lit.* like a Kiziba knife.
- zibizi *adj.* reserve, which is held in reserve. ensawo enzibizi, reserve fund. eggye ezzibizi, reserve troops. *cf.* ziba, zibiza.
- zibu *adj.* difficult, hard; difficult to deal with, 'impossible' (*of people*). kutuuka wazibu, to get into trouble/difficulties/danger. kuba muzibu kulaba, to be hard to equal/find/come by (*e.g., an experienced carpenter*). *cf.* zibuwala, obuzibu.
- zibuwala (-zibuwade) *v.i.* be or become difficult/hard.
- zibuwalira (-zibuwalidde) *v.tr. appl.* become difficult for.
- zibuwaza (-zibuwazizza) *v.tr. caus.* render difficult, cause to be difficult.
- cf.* -zibu.
- ¹ ziga (-zize) *v.tr.* track, track down (*game*); hunt down; scout out; spy on. *cf.* ² ekizigo, lomuzizi.
- ² ziga (-zize) *v.tr.* darken; blacken; apply cosmetics to. kuziga ngalo, to resolve with determination, *used in sentences of the following pattern:* Bwe siikwase mmese eno olwa leero nga nziga ngalo. [I]ll be damned if I don't catch that rat today.
- eziga (-ezize) *v.i. refl.* put on makeup, apply cosmetics.
- cf.* ¹ ekizigo, ekizigiro.

- zigajja: amabere ga zigajja, breasts which do not hang down.
- zigama (-zigame) *v.i.* become tarnished; rust; become weather-beaten; lose freshness.
- zigamya (-zigamizza) *v.tr. caus.* tarnish; *fig.* injure, tarnish (*e.g., a reputation*).
- zigeze *with the -a of rel.* long and straight (*of hair*). embuzi eya zigeze, a long-haired goat.
- zigizigi *ideo.* pitch dark; *as intens. with* -ddugavu jet (black). obudde ne bukwatera be zigizigi, and it became pitch dark. Kiddugavu zigizigi. It is very black. *cf.* kazigizigi.
- zigoto *with the -a of rel.* bent, curved (*of horns*). ente eya zigoto, a cow with horns curving forward.
- zigula (-zigudde) *v.tr.* polish, polish up; clean up; make very bright. *cf.* enzigulamatabo.
- ziguliza (-zigulizizza) *v.i.* (*following another verb*) do to an extreme degree, do to the ultimate. Ayambade n'aziguliza. He is dressed in his very best. Yadduka n'aziguliza. He ran at a very great speed.
- ziika (-ziise) *v.tr.* bury, inter.
- ziikibwa (-ziikiddwa) *v.i. pass.* be buried.
- ziikira (-ziikidde) *v.tr. appl.* bury in/at, etc.
- ziisa (-ziisizza) *v.tr. caus.* cause to bury, have buried.
- ziikuka (-ziikuse) *v.i. conv.* be exhumed/disinterred; come out of the grave.

- ziikula (-ziikudde) *v.tr. conv.* disinter, exhume; dig up.
- cf.* amaziika, ezziika.
- ziimuula (-ziimudde) *v.tr.* roll the eyes at in contempt; view with contempt, despise. *cf.* ekiziimuuzimu.
- ziinuuka (-ziinuuse) *v.i.* walk with hips swinging from side to side, waddle along (*e.g., like a very fat woman*).
- ziisa *caus. of ziika, q.v.*
- ziiziina (-ziiziinye) *v.i.* walk heavily; walk far.
- zizjagala (-zizjagadde) *v.i.* be fat/corpulent; be huge; be ample/full (*of a beard, garments*); be overgrown (*of bushes*). ng'olufu luzizjagadde wonna. and the mist/fog was heavy all over.
- zizjagaza (-zizjagazizza) *v.tr. caus.* make corpulent/huge, etc.
- cf.* -zizjagavu.
- zizjagavu *adj.* fat, obese; huge; overgrown; full/bushy (*of a beard*). *cf.* zizjagala.
- zika (-zise) *v.i.* run wild, be overgrown, become full of weeds (*of vegetation, lawns, etc.*).
- zikirira (-zikiridde) *v.i. appl. 2* perish; die out; disappear; be ruined/destroyed/obliterated.
- zikiriza (-zikirizza) *v.tr. appl. 2 caus.* quench; put out, destroy.
- zisa (-zisizza) *v.tr. caus.* permit to grow wild/rampant (*of vegetation*), let become overgrown; exterminate; destroy.
- cf.* omuzisa, nnamuzisa.

- zikira (-zikidde) *v.i. appl.* go out, be quenched (*of a fire*); go out (*of a light*). Amagezi muliro, bwe guzikira oguggya ewa munno. (*prov.*) Wisdom is like fire; when (yours) goes out, you can get (more) from your friend/neighbor.
- zikiza (-zikizza), zikiriza (-zikirizza) *v.tr. appl. caus.* put out, quench (*a fire*); turn off, put out (*a light*).
- cf.* ekizikiza, omuzikiriza (omuliro), enzikiza.
- ¹ zima (-zimye) *v.i.* [*Sw.*] be extinguished.
- zimiira (-zimidde) *v.i. appl.* grow dark/dim/overcast; become faint.
- zimirira (-zimiridde) *v.i. appl. 2* be almost lost to sight (*as an airplane*); disappear on the horizon; become fainter and fainter (*as a voice*); go on and on. Yazimirira nnyo ng'ayogera ku bintu bingi. He went on and on talking of many things.
- zimiriza (-zimirizza) *v.tr. appl. 2 caus.* delay/cause to remain until late/until darkness; stress, draw out, accentuate (*words, speech*).
- zimya (-zimizza) *v.tr. caus.* extinguish. bazimya-mwoto, firemen.
- cf.* akazimirizo, kizimiira, enzimire; zimeera.
- ² zima (-zimye) *v.i.* tarnish, lose luster.
- ¹ zimba (-zimbye) *v.tr.* build, construct; *fig.* edify. okwebaza eyazimba, *lit.* to thank the one who built (the house) = to sleep, go to sleep. Zimba ennene! Takubeerako. (*prov.*) *lit.* Build a big (house). He doesn't help you with it. This describes

zimba

a person who engages in talk rather than action.

zimbibwa (-zimbiddwa) *v.i. pass.* be built.

zimbira (-zimbidde) *v.tr. appl.* build for/on/in, etc.

zimbya (-zimbizza), zimbisa (-zimbisizza) *v.tr. caus. 1 & 2* cause to build; build with/by means of.

zimbulula (-zimbuludde) *v.tr. conv. 2* take down, dismantle, demolish (*a building, construction*).

cf. ekizimbe, amazimba, omuzimbi, enzimba.

²zimba (-zimbye) *v.i.* swell, swell up; *fig.* become angry/furious. okuzimba nga budde or okuzimba nga kisaka, *lit.* to swell up like the weather or the bush, *i.e.*, to become sullen/gloomy/morose/uncommunicative.

zimbya (-zimbizza) *v.tr. caus.* make swell, cause to swell. okuzimbya entwiri, to become livid with rage.

-ezimbiriza (-ezimbirizza) *v.tr. appl. 2 caus. refl.* allow to pile up on oneself, allow to accrue (*of unfinished tasks*); allow to get out of hand; defer, delay. okwezimbiriza olugendo, to keep putting off a journey. Si kirungi kwezimbiriza mirimu. It is not desirable to let work pile up (on oneself).

cf. ekizimba; zimbagala, zimbagatana.

zimbagala (-zimbagadde) *v.i.* swell up, be or become swollen (*often fig., from anger, sullenness, etc.*); take up too much room; be desolate; be gloomy (*of the weather*). *cf.* -zimbagavu; zimba, zimbagatana.

zimula

zimbagatana (-zimbagatanye) *v.i.* swell, become swollen; puff up. *cf.* ekizimbagatana; omuzimbagatano; zimba, zimbagala.

-zimbagavu *adj.* swollen; inflated. *cf.* zimbagala.

zimbirira (-zimbiridde) *v.tr. appl. 2* stay close to (*a person against his will*), 'latch on to'; be burdensome to, encumber; besiege.

zimbulukuka (-zimbulukuse) *v.i.* be leavened; ferment; rise; be magnified; *fig.* escalate, become worse.

zimbulukusa (-zimbulukusizza) *v.tr. caus.* leaven; cause to rise; expand; enlarge; magnify; *fig.* exaggerate. ekyuma ekizimbulukusa, magnifying glass. galubindi ezimbulukusa, microscope.

cf. ekizimbulukusa; yimbulukusa.

zimbulula *conv. 2 of* ¹zimba, *q.v.*

zimeera (-zimedde) *v.i.* grow dark (*of the sky*); go down (*of a light*); become lower/less distinct (*of a voice, a sound*); die down, fade away (*of a fire*); *cf.* -zimeevu, kazimeera; zimiira (*under* ¹zima).

-zimeevu *adj.* faint; indistinct. eddoozi ezzimeevu, a low voice. *cf.* zimeera.

zimiira *see* ¹zima.

zimula (-zimudde) *v.i.* do beyond the ordinary/to a high degree. *v.tr.* astonish; confound (*because of an extraordinary/excessive act*). Yalimba n'azimula. He told an out-and-out lie. Yali mugezi okuzimula. He was extremely wise/clever.

zimulula

zimulula (-zimuludde) *v.tr. conv.* (*of the root -zimu*) drive out (*spirits*), exorcise. *cf.* omuzimu.

zimuukiriza (-zimuukirizza) *v.tr.* amaze, surprise.

-ezimuukiriza (-ezimuukirizza) *v.i. refl.* recover (*after a surprise or a shock*); come to.

zina (-zinye) *v.i.* dance. okuzina gunteese, to be delighted at receiving something. (gunteese = it (my heart) has calmed down.)

zinazina (-zinyezinye) *v.i. redup.* dance all the time; dance with little enthusiasm.

zinira (-zinidde) *v.i. appl.* dance for/in/at, etc.

zinya (-zinyizza) *v.tr. caus.* cause to dance; dance with/using. okuzinya ekintu, to keep moving a thing from one place to another. okuzinya oluguje, to disturb, give (*a person*) no peace. okuzinya omuntu engera, to bother a person, give a person no peace.

zinyisa (-zinyisizza) *v.tr. caus. 2* cause to dance; dance with/using. okuzinyisa amaaso, to roll the eyes.

-ezinyazinya (-ezinyizzazinyizza) *v.i. caus. refl. redup.* force oneself to dance, dance reluctantly.

cf. amazina, omuzinyi, ezzina.

zinda (-zinze) *v.tr.* raid; invade; attack, storm; plunder; take by surprise. *cf.* ekizindo, omuzindo, ²omuzinzi.

zindaala (-zindadde) *v.i.* be stopped up/clogged; *per ext.* be hoarse; be somewhat deaf. *cf.* omuzindaalo.

zinga

zinduuka (-zinduuse) *v.i.* get up early in the morning.

zinduukiriza (-zinduukirizza) *v.tr. appl. 2 caus.* surprise, come upon by surprise/suddenly; catch in the act; act by surprise.

zinga (-zinze) *v.tr.* wrap, wrap up; fold, fold up; wind; coil; surround. okuzinga omuntu omuggo, to beat a person with a stick.

-ezinga (-ezinze) *v.i. refl.* roll oneself up; coil oneself up; fold oneself. okwezinga awamu, to remain in one place all the time, be a stay-at-home. okwezinga ku muntu, to stick close to a person, to 'latch on' to somebody.

zingazinga (-zinzezinze) *v.tr. redup.* keep wrapping; tangle, roll/fold badly.

zingira (-zingidde) *v.tr. appl.* wrap/fold for/in, etc.; grip in wrestling; surround. okuzingiramu, to include, reckon among. Ne Kiwanuka mu batawa musolo naye baamuzingiddemu. Kiwanuka was also included (*or: they included K.*) among those who did not pay the tax.

zingiza (-zingizzizza) *v.tr. appl. caus.* surround; besiege.

zingirira (-zingiridde) *v.tr. appl. 2* wrap around; coil around; encircle, surround.

-ezingirira (-ezingiridde) *v.i. & tr. appl. 2 refl.* wrap oneself around; coil oneself around; wind oneself around; encircle.

zingiriza (-zingirizza) *v.tr. appl. 2 caus.* confine, encircle, bind at/for, etc.

zingulukuka (-zingulukuse) *v.i. conv. 2* become unwrapped/unrolled/untwisted/unwound.